**02nd June 2019.**

# OMUKOLO OGW'OKUTANGIRIRIRA.

**Eby'Abaleevi 16.**

Amakya ga leero mu kweyongerayo kwaffe mu kusomesebwa mu kitabo ky'eby'Abaleevi tunaalaba omukolo Mukama gwe yatongoza eri Isirayiri ogw'okutangiririra (atonement), olwali era olukyali olukulu ennyo mu Isirayiri n'okutuusa leero nga lukuzibwa nga Yom Kipur, okubeera okusiiba mu kwenenya ebibi eri Katonda mu ggwanga lyonna ku ssabbiiti eyatongozebwa lubeeko mu kalenda ya Isirayiri nga bwe tubuulirwa mu lunyiriri 29 mu ssuula eno………

Tusome nga bwe tulabamu ebikulu, okuva mu ntandikwa y'essuula…..

Nny.1-2…. Ekitiibwa kya Mukama si kyakusaatuukirangamu nga bwoyagadde, era nga bwe gwandibadde n'eri bonna ab'ebitiibwa, kyokka nga eri Mukama tewaali kulonzalonza, eky'okulabirako baali bakifunye…Nadabu ne Abiku (ss 10).
Ate laba, bwatufudde abaana nga Yok.1:12 bwe lugamba "Naye bonna abaamusembeza, yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda; be bo abakkiriza erinnya lye."
Bwe tukkirizibwa okujja gyaali n'obuvumu olw'omusaayi gwa Yesu Kristo; Abaeb.4:14-16………

Nny. 3-4…… Yalinanga okwambala ebyambalo by'obwetoowaze, okubeera nga kabona ow'olunaku olwo.

Nny. 5-19….. Yawangayo ebiweebwaayo, olw'okoonoona n'ekibi, ku lulwe, ku lw'enju ye, ne ku lw'abantu bonna. Omuli ekifaanani eky'enkalakkalira ekya Yesu Kristo mwali Kabona kyokka era n'aba ekiweebwaayo eky'enkomeredde eri Mukama. Nga, nga mu lny. 14 tujjukira nti omusayi ogwava mu Yesu gwava mu bitundu musanvu; Omutwe, omugongo, embatu, ebigere, n'embiriizi.

Nny.20-28…..Embuzi esibibwaako omusango, ekyaali kikiikirira eky'okuba nti Mukama tali jjukira nate bibi byaabwe, nga bw'agamba mu Yer. 31:34b….

“Kubanga ndisonyiwa obutali butuukirivu bwabwe, n’ekibi kyabwe ne siddamu kukijjukira."
Oba ne Zabb.103:12.. “Ebibi byaffe abituggyako n’abitwala wala ng’ebuvanjuba bw’eri ewala okuva ebugwanjuba.”

Nny,29-34…..Etteeka ly’olunaku lw’okutangiririra……

Kye tulina leero, eky’omuwendo omuyitirivu…..Abaebbulaniya 9:7-28.

Okutangirira mu Ndagaano Enkadde kwaali kwa kubikka ku bibi, kyokka okw’omu Ndagaano Empya kwa kubiggirawo ddala…..
Oba kuli kwakolanga, kuno kukola n’okusinga……
Abakkolosayi 2:17 “Kubanga ebyo kisiikirize eky’ebyo ebyali bigenda okujja, naye ekirimu ensa ye Kristo Yesu.”